OKUMANYA KATONDA II

Okumanya Katonda II: Eby'okusomako

Eby'okuwandiika -

EKIBIINA #1:

I. Enyanjula eri Okumanya Katonda II.
II. Okufanana Katonda.
III. Ebintu Ebina Ebisookerwako mu Kumanya Katonda: Enyanjula.

EKIBIINA #2:

III. Ebintu Ebina Ebisookerwako mu Kumanya Katonda. (Okwongerako.)
IV. Empisa mu Kumanya Katonda:
  A. Okumanya Katonda kyetaagisa okukiriziganya naye.
  B. Okumanya Katonda kyetaagisa okwewaayo.

EKIBIINA #3:

IV. Empisa mu kumanya Katonda:
  C. Ekibala ky'okukiriziganya n'okwewaayo.
    Eky'okulabirako ky'ebyafaayo.
V. Okusalawo okwesigama ku Katonda:
  A. Okusalawo okwesigama kyeki?
  B. Okukiriziganya.

EKIBIINA #4:

V. Okusalawo Okwesigama ku Katonda:
  C. Empeera.
  D. Enkolagana egenda ewala.
  E. Ekyaama.
  F. Obukulu.

EKIBIINA #5:

V. Okusalawo Okwesigama ku Katonda:
  F. Obukulu. (okwongerako.)
  G. Okugonda.
  H. Okumaliriza. Ekigezo.

OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika -

Okumanya Katonda II: Ekigezo

Obubonero 20 Bwoyinza okufuna mu Bibuuzo Bino

1) Ng'okozesa ebyawandiikibwa bisatu, nyonyola ekinyusi ky'okufanana Katonda ng'onyonyola kyekitegeeza (emp. 54, 55).

2) Ng'okozesa Yok 15:5 ne Nge 3:5, 6 nyonyola kyekitegeeza “okusalawo okwesigama ku Katonda” (emp. 68-70).

3) Yogerako ku nkolagana egenda ewala mu nkolagana yaffe ne Katonda (emp. 75-77).

Obubonero 10 Bwoyinza Okufuna mu Bibuuzo Bino

1) Mu lunyiriri lumu oba bbiri nyonyola okufanana Katonda okwa Baibuli (emp. 54, 55).

2) Wandiika ebintu bina ebisookerwako mu kumanya Katonda awamu n'ebyawandiikibwa byowandiise webiva (olup. 57).

3) Juliza ebyawandiikibwa bibiri ebisitula okukkiririza mu kusaba (olup. 62).

4) Mpeera ki esinga obukulu mu kunoonya Katonda? Teekamu ebyawandiikibwa bibiri (emp. 73-74).

5) Mu nyiriri bbiri oba satu ddamu ekibuuzo kino: lwaki kitwetaagisa okubeera n'endowooza ya Malyamu okusingako eya Maliza (olup. 79)?

6) Kozesa Mak 3:14 okulaga obukulu bw'okumanya Katonda (olup. 81).

OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika -

I. Enyanjula y'okumanya Katonda II.

A. Okuyanaana kwa Buli Muntu.

1. Obukaafiiri bujjirwa era bujjiddwa entegeera buli kaseera nti Katonda tayinza kumanyibwa. Okusinga enyo, omuntu ayinza okumunoonya, naye ebiseera byonna tajja kumanyibwa(Katonda).

   a. Ebigambo bya Plato bikikirira okumalibwamu amaanyi omuntu kwalimu: kizibu okunoonyereza n'okuzuula eyakola era kitaawe w'ensi."[1]

   b. Aristotle yayogera ku Katonda nga "omuva byonna, abantu bonna bamulowoozako naye tewali amumanyi."[2]

2. Abasooka munsi tebabuusabuusa nti waliwo Katonda oba tewali bakatonda. Nay'ate, bakkiriza nti oba bakatonda baaliwo olwo bandibadde tebamanyibwa. Bakkirizanga era nti bakatonda abantu babafangako katono.

   a. Munsi eterina Kristo, Katonda tategeerwa/tategerekeka.

   b. Gemaanyi agetaagibwa, naye agatamanyibwa.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Mu byolabyeko, olabyeko abantu abenyigidde mu diini endala n'obufilosoofi abagezaako oba abatakabana okumanya Katonda, oba bakatonda abangi, naye nebatasobola kuba na nkolagana? Mwali mubaddeko mubintu ebyekika ekyo?

OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika -

B. Ebiri mu Somo Lino.

1. Esomo lino lyongera ku kuyiga okw'okwagala kwa buli muntu, okwo kwe kwagala okw'okumanya Katonda. Katonda asobola okumanyibwa? Bwaba asobola, amanyibwa ngeri ki?

   a. Ebibuuzo bino byadiddwamu mu somo, "Okumanya Katonda 1" okusinziira ku nyinyonyola y'abasoma ebya Katonda. Twasoma enjigiriza y'okumanya Katonda, netukola enjigiriza y'engeri y' okumanyamu Katonda.

   b. Essomo lino lyeyongerayo ku daala eriddako ery'okumanya Katonda, nga mwemuli eby'okola. Esomo lino liddamu ekibuuzo," Tukole ki okweyongera okumanya Katonda obulungi?”

2. Okuddamu ekibuuzo kino, tujja kuyiga amasomo gano:

   a. Okufanana Katonda.

   b. Ebisookerwako ebina ebikolebwa mu kumanya Katonda.

   c. Empisa mu kumanya Katonda.

   d. "Okusalawo okwesigama" ne Katonda.

II. Okufanana Katonda.

A. Okufanana Katonda kye ki?

1. Okumanya Katonda kwekubeera nga Katonda. N'olwekyo, ekirowoozo ky'okufanana, kikulu nyo mu somo ly'okumanya Katonda.

2. Nay'ate, tuteekedwa okufuna okutegeera kwa Baibuli ku kufanana.

   a. Omutume Paulo yakubiriza Abakristaayo okufanana Kristo. Paulo era yabazaamu amaanyi abakkiriza okumufanana era bagoberere eky'okulabirako kye nga bweyafanana era nagoberera Kristo(laba I Kol 4:16 ne I Kol 11:1).

   b. Paulo yatera nyo okuzaamu abakkiriza amaanyi okufanana abakkiriza abo obulamu bwabwe n'okukkiriza kwabwe ebyafanana ebya Mukama (1 Bas 1:6, 2:14; Beb 6:12, 13:7).

c. Nay'ate, okutegeera kwa Paulo okw'okufanana eky'okulabirako tekitegeeza nti waliwo enkola oba olukalala lwebiragiro oba amateeka ebirina okugobererwa oba okukwatibwa. Ddala, okumanya kw'empisa z'omukristaayo tekufunibwa mungeri eyo.

d. Okufanana ky'ekiva mu ndowooza yo okuzibwa obugya eri Katonda. Yeeraga, si mukugoberera **mateeka**,naye mu kwewaayo **obulamu bwo bwonna**.

e. Endowooza y'okufanana eri ku Kristo nga Ye yasobozesa amugoberera okumufanana. Omuntu si yafuna edaala ery'okutuukirira mukufanana nga Katonda (laba Bef 5:1).

1) Omuntu, mu busobozi bwe, amaanyi, oba byakola tasobola kubeera nga Katonda.

2) Okujjako ng'omuntu akkiriza Yesu okukolera muyye, tekisoboka muntu oyo kufanana kyakulabirako ekyo.

a) Si "kukola" oba "kutakabana" nti byebivaamu okubeera nga ye.

b) Naye kwekubeera nti emitendera gyokukyuuka okudda mu kifananyi kye kyekiviiramu okufuuka nga Ye. Kino kikolebwa okuyita mu kutambula naye munkolagana n'obuwulize.

c) Si "kutakabana" naye, kwewaayo kwekuvaamu okufanana nga Katonda.

d) Okufanana Katonda kyekintu ekiva mu nkolagana n'obuwulize naye si kyekintu ekiva mu bikolwa ebyefananyiriza nga kwo.

3) Okufanana Katonda kwekwewerayo ddala Gyali, kubanga engeri yokka okumufanana kwekubeera ne Katonda muggwe. Obulamu bwo bufuuka obufanana mungeri nti obulamu obwo bufuuka obulamu bwa Yesu obweyongerayo. Kristo mu ggwe y'engeri yokka ey'okufanana Katonda.

4) Bwekityo enkolagana ne Yesu n'obuwulize gyali bifuuka ebirabika ebibiri ebikulu ebiraga okufanana Katonda.

Eby'okuwandiika -

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Kozesa byetwakogerako okubaganya ebirowoozo ku ki kyekitegeeza okuba afanana Katonda okuyita mu Kristo.

B. Ndowooza ki eri mu kufanana Katonda?

1. Ebijuliza ku kufanana Katonda bulijjo bisangibwa mu bintu bino.

   a. Okufa eri obulamu bwo/okubonabona/okwejako obuyinza bwo.

      1) Kino kiba kyamakulu bwetujukira nti okusobola okufanana Katonda tuteekedwa okukkiriza Katonda okufuga obulamu bwaffe.

      2) Bwekityo, tulina okufiisa obulamu bwaffe, tube nga tusobola okubonabona olw'enjiri, okwejako obuyinza bwaffe okuwangula emyoyo.

   b. Okulowooza ku "balala".

      1) Kino kikola amakulu kubanga okufanana Katonda bwe bulamu bwa Yesu obweyongerayo mu nze (Bag 2:20), ate obulamu bwa Yesu bwali bulamu obufa ku balala (Mak 10:45).

      2) Bwekityo, tulina okuba nga tufa ku balala, oba okubeera mu bulamu obw'okuweereza abalala.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Soma oyige ebitundu bino na buli kitundu kyekitegeeza:
1Kol 4:16; 1 Kol 11:1; Bef 5:1; 1 Bas 1:6; 1 Bas 2:14; ne 2 Bas 3:9.

Biki ebyenyigirwamu okusobola okutegeera endowooza y'okufanana?

OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika -

III. Eby'okola Ebisoookerwako Ebina mu Kumanya Katonda.

A. Enyanjula.

1. Oba oli awo ekyawandiikibwa ekisinga ekyokukozesa mu kuyiga okukwata ku bikolebwa okumanya Katonda kiri Bik 2:42. Mu Bik 2:42 tulina olukalala lwa bintu bina ebyakolebwa ebyakozesebwa ab'ekkanisa eyasooka nga banoonya Katonda.

   a. Okuyigiriza (Tuyinza okukuyita "okuyiga Baibuli").

   b. Okukungaana.

   c. Okumenya omugaati(oba "okutendereza n'okusinza" okuva lwekiri nti ekigambo ky'oluyoyonani wano kiri "Wukaristia" ekitegeeza "okwebaza").

   d. Okusaba.

2. Tujja mubimpimpi kuyiga ku buli kimu ku bisookerwako bino ebina mu kumanya Katonda. Okuyiga okugaziyizidwa okugenda ewala okwa buli kikolebwa kujja kuweebwa mu masomo amalala.

B. Okuyiga Baibuli.

1. Okwagala Baibuli.

   a. Baibuli evuunudwa mu nnimu ezisoba mu 1200. Buli mwaka kyekitabo ekisinga okutunda mu nsi yonna. Abantu abaagala Katonda baba baagala n'ekigambo kye.

      1) Ekigenderwa ky'ekigambo kya Katonda ekiwandiike, Baibuli kwekubikula ekigambo kya Katonda ekilamu, Yesu Kristo Mukama.

      2) Okwagala Baibuli kwekwagala Kristo. Okwagala Kristo kwekwagala Baibuli.

OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika -

b. Baibuli si kitabo butabo kirala. Kyekigambo kya Katonda. Kiramu (Beb 4:12).

1) Ekigendererwa kya Katonda kwekutukyuusa okuttuzza mu kifananyi kya Yesu Kristo, nga ky'ekigambo (Bar 8:28, 29; Yok 1:1).

2) Engeri emu kuzaamaanyi ez'okola kino eri mu kusoma n'okuyiga ekigambo kya Katonda. Mulimu amaanyi mu kigambo kya Katonda. kisobola okutukyuusa. kisobola okutuyamba okumanya Katonda.

3) Bwoba kino okikkiriza era bwekuba nga okuyayaana kwo okunene oyagala kumanya Katonda n'okukyuusibwa okuba mu kifananyi kye, olwo ojja kwagala okusoma n'okuyiga Baibuli.

2. Okuyiga Baibuli n'okumanya Katonda.

a. Bwetussa ekigambo kya Katonda mubulamu bwaffe, olwo tetujja kwonoona (laba Zab 119:11).

1) Ekibi kyaffe kyekitwawukanya ku Katonda.

2) Baibuli esobola okutuyamba obutayonoona, n'olwekyo netutayawukana ku Katonda. Kiri nti, Baibuli etuyamba okumanya Katonda (laba Bar 6:23 ne Is 59:2).

b. Baibuli etunaaza. Kiri nti etutukuza, etulongoosa (laba Bef 5:26).

1) Abalongoofu balaba Katonda.

2) Baibuli esobola okutulongoosa. Kiri nti, Baibuli etuyamba okulaba n'okumanya Katonda (laba Mat 5:8).

c. Baibuli etuyamba okumanya Katonda (laba 1 Peet 1:23 ne Bar 1:16).

d. Baibuli etuyamba okukula mu kutegeera kwaffe Katonda (laba 1 Peet 2:2).

OKUMANYA KATONDA II

Sa Muno Eky'okulabirako kyo:

Eby'okuwandiika -

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Ngeri ki okuyiga Baibuli gyekukusobozesezaamu okweyongera okumanya Katonda n'okukula mu kwagala okugenda ewala mu nkolagana Naye? Genderera: okusobola okweyongera okuyiga obulungi Baibuli, juliza amasomo , Okuyiga Baibuli mu kitabo Eky'okusatu.

C. Okukungaana.

1. Nsobola okweyongera okumanya Katonda nga neyongera okumanya abaana be.
2. Kino kituufu kubanga Katonda abeera mu baana Be. Nekiba nti, kirina wekituuka, okukungaana n'Abakristaayo abalala kuba kukungaana ne Katonda, kubanga Kristo abeera mu bbo (Bag 2:20).
3. Okukungaana n'aboluganda mu Kristo n'okungaana ne Katonda tebyawukana mu byawandiikibwa (Laba 1 Yok 1:3).

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika -

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Mu ngeri ki okukungaana n'abakkiriza abalala gyekibadde ekiyamba okukula kwo mu bulokozi era n'okukumanyisa Katonda okusingawo? Genderera: okweyongera okuyiga ku ndowooza y'okukungaana juliza essomo, Okukungaana mu Kkanisa, okusangibwa mu Enkolagana, Ekitabo eky'okubiri.

D. Okutendereza n'Okusinza.

1. "Okumenya omugaati" mu Bik 2:42 kujuliza okulya kw'ekyeggulo kya Mukama waffe. Ekinyusi ky'ekyeggulo kya Mukama kiri nti kyo Sakramentu ya kwebaza, oba kutendereza na kusinza. Ddala ekigambo ky'oluyonaani ekikozesebwa wano, Wukaristia, kitegeeza "okwebaza." Okuyita mu kutendereza n'okusinza tuyinza okutuukirira Katonda era n'okumumanya obulungi (laba Zab 95:2-6 ne Zab 22:3).

2. Okutendereza kwekwanukula eri obukulu bwa Katonda. Kikolwa kya kusiima (Zab 63:3). Okutendereza kwenyumiririza mu Katonda (Zab 106:47).

3. Obulamu obw'okutendereza bukula okuyita mu bintu bina.

   a. Tukula mu bulamu obw'okutendereza okuyita mu kwebaza oba okusiima n'akamwa (laba Baf 4:6; 1 Bas 5:18; ne Zab 50:14, 23).

   b. Tukula mu bulamu obw'okutendereza okuyita mu kwatula okugulumiza n'okutegeera Katonda (laba Zab 63:3; 1 Bas 5:16; ne Zab 145:1, 2).

   c. Tukula mu bulamu obw'okutendereza okuyita mu kuyimbira Katonda (laba Zab 105:2;Zab 100:2; ne Bef 5:19).

   d. Tukula mu bulamu obw'okutendereza okuyita mu kutambulira mu kubeerawo kwa Mukama (laba Baf 3:10; ne Zab 27:4).

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

Eby'okuwandiika -

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Obulamu obw'okutendereza n'okusinza bukusembeza butya eri Katonda?
Genderera: Olw'okuyiga okugaziyiziddwa era okugenda ewala ku kutendereza n'okusinza oyinza okujuliza eri essomo Okusinza n'Okutendereza, erisangibwa mu Enkolagana, Ekitabo eky'okubiri.

E. Okusaba.

1. Okusaba mubugazi bwakwo kunyonyolwa nti y'enkola y'okwogera eri Katonda n'okuwulira okuva eri Katonda. Okuyita mu kusaba tuyinza okubeera mu kuwuliziganya okutereevu ne Katonda akaseera konna.

2. Okusaba bwekufanana (laba Bef 6:18).

   a. Tulina okusaba buli kaseera (Bar 12:12).

   b. Tulina okusaba mu ngeri ez'enjawulo (Mat 6:9-13).

   c. Tulina okusaba nga twesabira ffeka na ffeka (Yak 5:16).

   d. Tulina okusaba nga tutaddeyo omwoyo (Mat 26:41; Bak 4:2).

   e. Tulina okusaba nga tetukoowa (Zab 57:7; Luk 11:8, 9; Luk 18:1-8).

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Nyonyola engeri okweyongera oba okukendeera kw'obulamu bwo obw'okusaba gyebukosa enkolagana yo ne Katonda.
Genderera:Olw'okuyiga okugazi okugenda ewala laba essomo Okusaba n'Okusiiba, erisangibwa mu Enkolagana, Ekitabo eky'okubiri.

OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika -

IV.Empisa mu kumanya Katonda.

A. Okumanya Katonda kwetaagisa Obunyiikivu.

1. Buli emu ku nsonga enkulu enya ku kumanya Katonda erimu mu kulagira kwaayo okwa Baibuli engeri y'obunywevu n'enkola yaayo. Mu buli emu, Baibuli ekozesa ebigambo nga "buli kaseera,”"emisana n'ekiro, ne "buli lunaku."

   a. Okuyiga Baibuli (laba 2 Tim 2:15 ne Zab 1:2).

   b. Okukungaana (laba Bik 2:46 ne 1 Yok 1:7).

   c. Okutendereza n'okusinza (laba Zab 63:5, 6; Zab 35:28; 71:6; 72:15; 119:62, 164; 146:2; ne Bik 16:25).

   d. Okusaba (laba 1 Bas 5:17; ne Bef 6:18; n'ekyokulabirako kya Danyeri 6:10).

2. Okumanya Katonda eteekedwa okuba enkola etekoma. Tuteekedwa okunoonya Katonda n'obunyiikivu (Nge 8:17).
   a. Tuteekedwa okugezaako okubeera abanyiikivu mungeri y'obulamu bwaffe bwonna. Kiri nti, tuteekedwa okuba abanyiikivu mu kukuumira ebirowoozo byaffe ku bintu bya Katonda okuyita mu lunaku lwonna (Bak 3:1,2).
   b. Tuteekedwa okubeera abanyiikivu mungeri naffe. Kiri nti, tulina okubeera abanyiikivu mu biseera byaffe ne Katonda. Tuteekedwa okuteekawo omuze omulungi okunoonya Katonda mu biseera ebitegekeddwa (okwegulira ebbanga okunoonya Katonda).

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

OKUMANYA KATONDA II

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Ngeri ki zoyinza okwongera obunyiikivu bw'enkolagana yo ne Katonda? Biki ebikuziyiza? Biki ebyo ebikugambye okweyongera okunyiikira?

Eby'okuwandiika -

B. Okumanya Katonda kwetaagisa okwewaayo.

1. Bwetwogera ku bunyiikivu tuteekedwa okwogera ne ku kwewaayo. Obunyiikivu tebusoboka watali kwewaayo. Obunyiikivu bwebulaga empisa. Okwewaayo gwemusingi era kyekiwagira empisa.

2. Tuyinza okusalawo okwewaayo eri okunoonya Katonda. Tetusobola "kusalawo" kumanya Katonda. Katonda yekka yayinza okutwebikulira.

   a. Newankubadde okuyayaana kutubeeramu okw'okumanya Katonda, tetusobola kumumanya kuyita mu bikolwa byaffe oba kwagala kwaffe. Katonda y'ensibuko. Okwagala kwaffe si y'ensibuko.

   b. Song'ate, tusobola okukolera awamu, nga kitusobozesa ffe okufuna okubikulirwa kwa Katonda okwa Ye mweene.

      1) Ekituwa amaanyi kuteekedwa kuba kwagala kwaffe na kuyayaana kwaffe eri Katonda.

      2) Olw'okukkiriza, tuteekedwa okukola.

         a) Tetwetaaga kutegeera ngeri gyetukyusibwamu okuba mu kifananyi kya Yesu oba engeri gyetukula mu kutegeera kwaffe Katonda. Tuteekedwa mungeri enyangu okukolera mu kukkiriza nti Katonda atukyuusa era nti tukula tweyongera kusemberera Yesu.

         b) Kino Katonda yakikola. Tetusobola kukikola ffe.

OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika -

3. Tuyinza okusalawo okuteekawo enkola y'okusoma Baibuli. Tuyinza okusalawo okutendereza n'okusinza Katonda. Tuyinza okusalawo okubeerako n'Abakristaayo abalala. Tuyinza okusalawo okusaba.

   a. Kumakya oyinza okumala essawa emu ne Katonda.

      1) Oyinza okusabira eddakika 30.

      2) Osobola okutendereza n'okusinza okumala eddakika 15.

         a) Yimbira Mukama. Kozesa endongo oba ekivuga kyonna kyosobola.

         b) Wuliriza era oyimbire ku ntambi z'enyimba z'okutendereza.

         c) Yimbira Mukama oluyimba olugya oluva mu mutima gwo (Bef 5:19).

      3) Oyinza okusoma Baibulu yo okumala eddakika 15.

         a) Soma essuula biri okuva mu Ndagaano Enkadde.

         b) Soma essuula emu okuva mu Ndagaano Empya.

   b. Mu tuntu, oyinza okutegeka okulya ekyemisana n'Omukristaayo. Muyinza okusanyukira akaseera ak'okukungaana mu malya g'ebyemisana.

   c. Olweggulo oyinza okufunayo eddakika 30 ne Mukama nga tonagenda kwebaka. Oba oli awo oyinza okusaba, okusoma Baibuli, n'okutendereza Mukama olw'olunaku.

4. Ekisumuluzo kwekuba nga wewaddeyo eri buli kyosaawo ng'enkola yo, oba kumala ddakika 10 oba saawa 3 ne Mukama bulijjo, ekintu ekisinga obukulu kwekuba nga wewaddeyo. Katonda bwalaba nga wewaddeyo akaseera akatono, ajja kukubiriza akuwe amaanyi okumala ebiseera ebisingawo naye (Luk 16:10).

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Wewaddeyo okunyiikira eri entegeka ey'okumala ebiseera ng'okola ebisookerwako ebikolebwa okumanya Katonda? Biki ebinakuyamba okuwangula obutewaayo?

OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika -

C. Ebibala By'okunyiikira n'Okwewaayo.

1. Abantu abamu bagezaako okusoma Baibuli yonna mu wiiki biri. Ebiseera ebisinga, batandika naye tebamaliriza. Abantu abalala babeera n'empisa yaabwe. Baba banyiikivu era nga bewaddeyo.

2. Kyewunyiisa okubalilira ebibala ebiva mu bunyiikivu n'okwewaayo.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Lowooza ku kifananyi kino, ekiwa eky'okulabirako ku nsonga eno ku kusoma n'okuyiga Baibuli.



OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika -

Omuwandiisi Ky'akyogerako:

Singa eba mpisa yo okusoma Baibuli okumala esaawa emu buli lunaku, olwo oba ojja kusoma Baibuli yonna emirundi esatu buli mwaka. Nekiba nti, oba ojja kusoma Baibuli yonna emirundi 30 mu buli myaka 10. Kino bwokikola ekigambo kya Katonda oba ojja kuba nakyo. Katonda oba ojja kumumanya bulungi era oba ojja kuba akyuusidwa okuba mu kifananyi kye.

Sikyakwerimba okuteekateeka okusoma Baibuli okumala essawa emu buli lunaku. Eri abantu bangi kiba kitegeeza kukendeeza ku biseera byebalabamu TV.

Singa eba mpisa yo okusoma Endagaano Empya. Okumala essawa emu buli lunaku, olwo oba ojja kusoma Endagaano Empya yonna emirundi 14 buli mwaka nekiba nti, Endagaano Empya oba ojja kugisoma emirundi 140 mu buli myaka 10. Ojja kuba mu kugu mu Ndagaano Empya. Nay'ate, ebibala eby'empisa eyo okusinziira ku kumanya Katonda eba tesobola kubalilirwa.

Sa Muno Ky'okyogerako:

OKUMANYA KATONDA II

D. Kuyiga ku Mpisa.

Eby'okuwandiika -

Eky'okulabirako Eky'ekyafaayo ku Mpisa y'enkola:

Yokaana Wesley, eyatandika omugendo gw'ekimethodist (omugendo gw'enkola), yatambulira mu bulamu obw'empisa mu kumanya kwe Katonda. (Ab'okulabirako bangi abalilondedwa naye Wesley akiikirira eky'okulabirako ekirungi eky'empisa).

Ng'okudda obugya kw'ekimethodist tekunatandika, Wesley yali atandise ekibiina ekiyitibwa Ekibiina Ekitukuvu. Ekibiina kino kyategekebwa olw'okuyayaana okwagala okubeera mu bulamu obw'empisa munkola y'okunoonya Katonda.

Enteekateeka eno wansi elaga engeri olunaku bwelutambula mu bulamu bw'oyo ali mu kibiina Ekitukuvu:

1) Saawa 11 nga bukya kuzuukuka.
Kuyimba Zabbuli n'okusoma ebyawandiikibwa okutuuka ku saawa 2 ez'okumakya.
Okusaba okuva ku saawa 2 ez'okumakya okutuuka ku saawa 3 ez'okumakya.

2) Bakungaananga emirundi etaano olweggulo mu buli wiiki. Bezanganangamu amaanyi nebasomanga ebitabo by'enjiri.

3) Buli lwaggulo, okuva ku saawa 12 okutuuka ku saawa 1 basabiranga abaavu. Mu kiseera kino mwebategekeranga obuweereza bwebanaweerezanga enkeera.

1. Empisa eba nkola, si kiruubirirwa.

   a. Abaali mu kibiina kyabatukuvu baalina empisa y'okunyweza enkola yaabwe, naye ekyo tekyali kiruubirirwa. Tebakikola bukozi nga empisa.

   b. okuba ab'empisa si kyekyali kibawa amaanyi. Amaanyi gaffe kwekwagala kwetwagala Katonda n'okuyayaana okumumanya.

2. Okubeera n'obulamu obw'empisa, tulina okuba n'endowooza ezizidwa obugya.

   a. Walina okubaawo okuva munkola ey'okunoonya Katonda mungeri ekwatagana nebyetukola ebya bulijjo awamu ne byetwagala.
   b. Byetukola bulijjo biteekwa okuba nga bija mu bulamu obunoonya Katonda.

Eby'okuwandiika -

3. Obulamu bwebuba nga bunoonya Katonda mumazima kijja kuleetera omuntu oyo okuba n'empisa ey'okuweereza n'okwagala.

   a. Kino kikiriziganya n'amateeka abiri amakulu agaddiringana (laba Mak 12:30, 31).

   b. Kino kikwatagana n'ekyo ekyabaawo mu kibiina Ekitukuvu. Mangu nyo baatandika entegeka ey'empisa ey'okukyalira n'okuweereza eri abo mu malwaliro n'amakomera.

V. Okusalawo okwesiga Katonda.

A. Okusalawo Okwesiga Kyeki?

1. Mu Yok 15:5, Yesu yagamba...."Nze muzabbibu, mwe muli matabi. Omuntu bwabeera mu nze nange mu ye, oyo abala ebibala bingi; kubanga awatali nze temuliiko kye muyinza kukola”

   a. Ekigambo kino bwekiba nga kituufu, olwo nno buli kaseera mu bulamu bwo kaba kakusalawo kwesiga Kristo.

      1) Nay'ate, abantu bangi eri Katonda bajjayo mu biseera byabuzibu (nga bafunye bizibu) kubanga olwo lwebawulira nga tebasobola.

      2) Obulamu amazima gaabwo gali nti buli kaseera Katonda tumwetaaga era obulamu bukiikirira obutasobola bwetulina awatali Katonda.

         a) Mu ngeri eno, buli kaseera kaba ka kusalawo kwesiga.

         b) Buli kaseera tuteekedwa okujja eri Katonda.

         c) Bwetutandika okulaba buli kaseera ak'obulamu bwaffe nga okusalawo, tutandika okulaba okusalawo okw'okwesiga mu nkolagana yaffe ne Katonda.

   b. Gyeweyongera okweraba nga atasobola awatali Katonda, gyojja okweyongera okunoonya Katonda.

OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika

c. Okugamba nti "Katonda, nsitula mu nkolagana yange naawe," oba ogamba "Katonda, yimusa okumanya kwange engeri gyesisobola awatali gwe. Mmanyisa okwetaaga kwenkwetaagamu!"

Eky'okulabirako Ky'omuwandiisi:

Awo olwatuuka waliwo Kabaka eyalina omwana gweyawanga sente ez'okukozesa mu mwaka gwonna. Yamuwanga sente zonna ku lunaku olusooka omwaka. Emyaka bwegyayitawo, Kabaka yagenda okulaba nga olunaku lwokka lweyalabanga ku mwana we lwali nga lusooka omwaka. Kale kabaka nakyuusa enkola. Natandika okumuwanga buli lunaku. Namuwanga ezaali zimumala buli lunaku. Kabaka natandika okulaba omwana we bulu lunaku!

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

2. Eky'omukisa omubi, Abakristaayo abamu Katonda bamutwala nga omuntu. Kino kitegeeza nti kibeera nga Katonda ali ewala era atafaayo ku bulamu bwaffe. Katonda tebaagala kumutawaanya nyo. Song'ate Katonda alinga Kabaka mu lugero. Akikola kibeere nti tumwetaaga buli kiseera, kibeere nti tubeera mu kussa ekimu naye.

OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika -

Eky'okola Ng'ekibiina:

Damu oyite mu Yok 15:5 oyite ne mu Nge. 3:5, 6 (genderera era osse essira ku kigambo **gonna/gwonna**). "Weesigenga Mukama n'omutima gwo **gwonna** so teweesigamanga ku kutegeera kwo ggwe; Mwatulenga mu makubo go **gonna** kale anaalungamyanga olugendo lwo."

Enono ya Yok 15:5 ekutuusa etya ku nono ya Nge 3:6? (Wejukanye ku lugero lwa kabaka ne ki kyeluyigiriza).

Buli kaseera, tuba mu mbeera ya kusalawo kwesigama ku Katonda kubanga buli kaseera tuba tumwetaaga.

Kaakati, weekalilize bulungi nyo Yok 15:5 ne Nge 3:5, 6. Damu ekibuuzo ekibadde kyakabuuzibwa okusinziira ku nkolagana wakati w'ebigambo **tewali** (Jn 15:5) ne **gonna/ gwonna** (Nge 3:5, 6).

Omwandiisi Ky'akyogerako:

Waliwo ebintu mukaaga ebyenyigirwamu mu kusalawo okwesigama ku Katonda.

Mu lulimi oluzungu, tuyinza okukozesa buli nnukuta mu kigambo kusalawo **(crisis)** okufunamu ebintu bino:

C onsistency - Kunyiikira.
R eward - Mpeera.
I ntimacy - Omukwano.
S ecrecy - Mu kyaama.
I mportance - Obukulu.
S ubmission - Okugonda.

Okuyigiriza mu ngeri y'okupanga ebigambo ng'okozesa ennukuta z'enkigambo, ekozesa ennukuta esooka eya buli kigambo okuyigiriza ekintu eky'enjawulo. Tukitegeera nti kino tekijja kukola mu nnimi ezisinga obungi.

B. Okunyiikira.

Eby'okuwandiika -

1. Era, soma Nge Prov 3:5,6. Fumitiriza ku bukulu bw'ekigambo **gonna/ gwonna.**

   a. **Gonna/gwonna** gategeeza/kitegeeza gonna/gwonna! Enkolagana yaffe ne Katonda eteekedwa okuba nga nyiikivu era eteekedwa okuba mu buli kitundu ky'obulamu bwaffe.

   b. Abantu abamu bagamba nti endowooza eno ya kigwi kya ddalu (ekitegeeza nti omuntu ayayaana mu ngeri etayagalibwa). Bagamba nti abantu abalowooza nti Yesu kyekyokuddamu ky'obulamu bwabwe bagwi ba ddalu (soma Yok 15:5 era). Bagambi nti abagwi be ddalu tebategeera.

      1) Song'ate okusinziira ku kyetwayigako, ekiraga obutategeera kyokka kwekugezaako okukola ekintu kyonna awatali Yesu (Yok 15:5).
      2) Kyamagezi era nga gemagezi gokka okugoberera Nge. 3:5, 6.
      3) Okusinga enyo, kuba kujeemera Katonda obutagoberera Nge. 3:5, 6.

   c. Kyetwetaagira ddala mu bulamu bwaffe obw'Ekristaayo kwekubeera "abagwi be ddalu" Twetaaga, okusinga, abasirusiru kulwa Yesu (laba 1 Kol 4:10).

      1) Jukira, yali Paulo (ate nga y'eyeyita omusirusiru kulwa Yesu) eyakozesa nga ebigambo **bulijjo, byonna**, ne **obutakoowa** bweyayogera ku kusaba.

      2) Tewali Mukristaayo alina Yesu mubujjuvu (mungeri nti teyetaaga Yesu kweyongera) mu bulamu bwe!

Eky'okulabirako Ky'omuwandiisi:

Yesu tali nga mata. Abasawo bagamba nti amata gamugaso nyo eri omubiri ,kasita tonywa mangi nyo. Bagamba nti ekintu ekirungi bwokiyitiriza kiba tekikyali kyamugaso. Yesu tali nga mata! Toyinza kumuyitiriza oba kumussukkiriza.

OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika -

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

2. Okutukuzibwa kuyinza okunyonyolwa mungeri nyingi. Engeri emu ennungi ey'okukinyonyola mu eri mungeri ey'okunyiikira mu nkolagana yaffe ne Katonda. Okutukuzibwa kubeerawo nga omala ebiseera bitono nyo **wabweru** w'okussa ekimu ne Katonda, ng omala ebiseera bingi **mu** kussa ekimu ne Katonda.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Kozesa ekifananyi kino okwogera ku nkolagana wakati w'okutukuzibwa n'okunyiikira okusinziira nkolagana ne Katonda.



"A" = Ekikiirira ekiseera mu lunaku kyomala ng'oli mu bibyo
"B" = Ekikiirira ekiseera mu lunaku kyomala ne Katonda

Okumala ebiseera ne Katonda **kwekumanya** Katonda (Nge. 3:6). Nga ow'oluganda Lawurensio bweyagamba, **kwekwemanyiiza era nebeera mpisa yo okubeera mu kubeerawo kwa Mukama.**

Emitendera gy'okutukuzibwa kwekubeera nga weeyongera okugenda n'obunyiikivu mu kubeerawo kwa Mukama. Kwekuva ku kkono ng'odda ku ddyo mu kifananyi.

Eby'okuwandiika -

C. Empeera.

1. Ekisuubizo ky'okunyiikira eba mpeera.

   a. Mpeera ki esuubizibwa abo abanyiikira okunoonya Mukama (soma oyige Nge. 3:5, 6 omulundi omulala)?

   b. Soma era oyige Beb 11:6.

      1) Katonda abamunoonya abawa empeera?

      2) Genderera engeri okukkiriza gyekwetaagisa enyo.

         a) Awatali kukkiriza tetusobola kusanyusa Katonda kubanga awatali kukkiriza, tetusobola kutuukirira Katonda (genderera nti bwosoma Beb 11:6 ojjamu eky'okuyiga nti okujja kwaffe eri katonda kyekimusanyusa).

         b) Kukkiriza kwokka (okubuusa ensonga amaaso) kwekwalirinye olusozi Musa lweyalinya okubeera ne Katonda.

         c) Katonda yawa Musa empeera kubanga Katonda "mugabi wa mpeera eri bonna abamunoonya ."

2. Empeera Kyeki?

   a. Ow'oluganda Lawurensio eyeewayo obulamu bwe bwonna okubeera mu kigo yayiga okubeera mu kubeeranga mumaaso ga Mukama yagamba, "Tewali kunsi bulamu bunyuma era busanyusa nga kubeera ng'onyumya ne Katonda obudde bwonna."[3]

   b. Ye ow'oluganda Lawurensio empeera gyeyafuna olw'okunoonya Mukama gweegwaali omukisa okwagala okweyongera okunoonya Mukama. Empeera ey'okuba n'enkolagana ne Katonda kwekwongera okuba n'enkolagana enywevu ne Katonda.

OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika -

Eky'okola Ng'ekibiina:
Soma oyige Zab 73:28. “ekirungi” oba empeera y'omuyimbi wa Zabbuli kyeki?

Soma oyige Ma 10:9. “Obusika” oba empeera ya Levi y'eriwa? Jukira, baali bakabona Abaleevi be bokka abakkirizibwanga okuyingira mu yekaalu (Kubal 18:1-7).

Soma oyige Luk 18:30. Empeera eluwa? Obulamu obutagwaawo kyeki (laba Yok 17:3)?

c. Empeera y'okunoonya, okumanya, oba okuba n'enkolagana ne Katonda kwekwongera okunoonya, okumanya, oba enkolagana ne Katonda (laba ne 1 Byom 28:9; Mat 7:7; Yak 4:8; Nge 3:32, 33 ne Bar 6:23), (jukira engeri obulamu obutagwawo gyebunyonyolwa mu Yok 17:3). Okuva mu Lub 15:1, tuyinza okugamba nti empeera ya lbulayimu eyasinga obunene kwali "okwogera Katonda "kweyayogeranga naye" nga bwoyogera ne munno.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Nyonyola engeri gyokunguddemu empeera mu biseera byeweyongedde okumala ne Katonda.

OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika -

D. Omukwano.

1. Endowooza ya Baibuli "ey'okumanya."

   a. Mu Ndagaano Enkadde, ekigambo eky'oluyonaani ekitegeeza "okumanyagana mu mukwano kiri "Yada."

      1) Ekisinga obukulu mu bulamu bwe bulamu obutagwawo.

      2) Obulamu obutagwawo kwekumaya Katonda.

   b. Mu Ndagaano Empya, ekigambo ky'oluyonaani ekitegeeza "okumanya" kiri "ginosko" (mu Yok 17:3).

      1) Kitegeeza "okumanya" okuyita mu byoyiseemu oba byolabyeko.

      2) Kiyinza okulaga engeri y'omukwano ogw'okumanya n'enkolagana.

   c. Ekiraga omukwano mu nkolagana ne Katonda kirabibwa bulungi mu kigambo eky'omu Ndagaano Enkadde, "yada."

      1) Damu oyite mu Nge 3:5, 6. Ekigambo okumanya kyekyavuunulwa okuva mu kigambo ky'oluyonaani "yada."

      2) Soma oyige Lub 4:1. Era tulaba ekigambo ky'oluyonaani "yada" kikozesebwa okutegeeza omukwano ogugenda ewala.

      3) Bwetugatta okuyiga ku bitundu bino byombi tukirabira bulungi ekigambo kya Katonda nga kitulaga nti enkolagana yaffe ne Katonda terina kuba ya kungulu.

      4) Obutafananako nga bino waggulu, kinyonyolwa nga engeri y'omukwano gw'okwegatta okubeerawo wakati mu bantu (okwegatta kw'omusajja n'omukazi mu mukwano nga bakozesa ebitundu byabwe eby'ekyama).

         a) Tuyinza okugamba nti Baibuli etukubiriza okubeera "n'okwegatta okw'omwoyo" ne Katonda.

         b) Tulina kubeera mu mukwano ogugenda ewala nga tuli bumu naye.

Eby'okuwandiika -

c) Tuli ba kubeera bumu naye.

d) Lowooza ku mukwano ogw'endowooza ya Baibuli eya "Kristo muffe" naffe mu Kristo."

e) Lowooza Bef 5:31, 32. **Enkolagana** mu bufumbo kisiikirize eky'engeri **y'enkolagana** erina okubaawo wakati wa Kristo n'Ekkanisa.

f) Tulina okuba abaagalana ne Yesu. Tegulina kuba mukwanokwano. Enkolagana yaffe ne Yesu erina kuba nga egenda wala.

2. Okukuuma omukwano ne Katonda.

a. Mu Kub 2:4, ekkanisa y'omu Efeeso yali elese okwagala kwaayo okwasooka kino kitegeeza nti emabegako, baali bagalana nyo ne Katonda.

b. Enkolagana yaffe ne Yesu yeetaga okubeera mu mukwano ogw'omukwano ogwasooka (Zab 77:6).

c. Omukwano guno ogw'okuzesa ebigambo oba okuweeweeterera (tugambe wakati w'abaagalana ababiri gutwaala mu mukwano gwenyini (Zab 63:6).

d. Omukwano guno gulina kyegutonda munda (okutonda obulamu) (Yer 24:7).

e. Olw'ekyo ekiri munda wabeerawo kuzaala na bulamu (Dan 11:32).

1) Ebigambo by'oluyonaani ebinyonyola ebikolwa bya'abantu **abamanyi Katonda waabwe** bigambo bya bulamu.

2) Abantu bano baba bamaanyi ate nga bawangaazi. Basobola okukola eby'obuzira, ebikolwa eby'obuvumu, oba ebikolwa by'okwewaayo mu kukola eby'obuzira.

OKUMANYA KATONDA II

Eky'okulabirako Ky'omuwandiisi:

Katulowooze ku maanyi n'obumalirivu bw'omuvubuka ayagala omuwala.

Omuvubuka ow'ensonyi, omunafu, ayinza okuba mu bulamu obutiitiizi okutuusa lwayagala omuwala. Omuwala bwatiisibwa omutiitiizi asobola amangu ago okufuuka empologoma.

Tuba banafu mu mwoyo bwetutaba na nkolagana ya mukwano ne Yesu. Setaani abeera atusuula wansi okutuusa lwetwagalana ne Yesu. Amangu ago, tufuuka ng'empologoma.

Eby'okuwandiika -

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

E. Ebyaama.

1. Ani mukwano gwo asinga?

   a. Engeri emu ey'okunyonyola endowooza ya "mukwano gwange asinga" kwekulowooza mu ngeri y'ebyaama.

      1) Mukwano gwange asinga yoyo amanyi ebyama byange. Omuntu oyo amanyi ebikwata ku bulamu bwange ekigenda ewala.

      2) Amanyi bingi ebinkwatako okusinga omuntu omulala yenna, kubanga amala ebiseera bingi nange okusinga omuntu omulala yenna, era kubanga mubuulira ebyaama byange.

Eby'okuwandiika -

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Lowooza ku bitundu bino wansi ng'osinziira ku byaama:

Mat 6:6 (okusaba mu kyaama)

Mat 6:17, 18 (okusiiba mu kyaama)

Mat 6:3, 4 (okugaba mu kyaama)

b. Katonda ayagala okubeera mukwano gwo asinga! Ayagala okuteekawo n'okutondawo enkolagana ey'omukwano naawe mu kyaama. Waliwo ekigatta wakati wo ne Katonda ekibaawo nekifuuka ky'amaanyi bwomubuulira ku byaaama byo (bwekiba nga gwe wekka naye mmwe mukimanyi).

2. Obwetaavu "bw'ekifo ekyesudde" oba "ekifo eky'ekyaama"oba 'ekifo omutali bantu".

a. Emirundi egisukka mu gumu tusoma mu Ndagaano Empya nti Yesu yagenda "mu kifo omutali bantu" okusaba (eky'okulabirako, laba Mak 1:35).

b. Kikulu okuba n'ekiseera (genderera nti mu Mak 1:35 Yesu yakeera mu makya enyo) era n'ekifo okunoonya Mukama mu kyaama. Engeri eno ey'okukikola eba eyamba okunyweza enkolagana ey'omukwano Katonda gyayagala.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Yogera ku biseera ne ku bintu Katonda lweyakwebikulira, ng'osisinkanye Katonda mu "kifo eteri bantu oba ekifo eky'ekyaama."

F. Obukulu.

1. Kiki Yesu kyayagala okufuna okuva gyoli okusinga ebintu ebirala byonna? Buwulize? Bwesigwa? Kukkiriza? Mirimu mirungi?

a. Nedda! Waliwo ekisinga obukulu okusinga ebintu ebyo byonna. Kikulu okusinga obuwulize? Ye, kubanga obuwulize bulina ekirala kwebwesigamye. Kisinziira ku ngeri ki gyokolaganamu ne Katonda.

Eby'okuwandiika -

b. Okusinga ekintu ekirala kyonna, Katonda ayagala biseera byo. Ayagala okufuna akaseera okukamalako naawe. Ayagala mukwano gwo (Mat 22:37).

1) Okwagala kulagibwa kuyita mu buwulize (Yok 14:15).

2) Song'ate, okwagala kukula kuyita mu biseera byomala ne Katonda.

2. Kyetwetaaga kwekubeera okusinga n'endowooza ya Malyamu tuleme kuba na ndowooza ya Maliza!
   a. Soma okuyiga Luk 10:41, 42.

1) Obwangu bw'obulamu bwaffe busangibwa mu kumanya Katonda.

2) Lwaki Yesu yagamba nti **ekintu kimu** kyokka kyekyetaagisa (ng'ategeeza okufuna akaseera okukamala naye)? kubanga Yesu yategeera amazima ga Yok 15:5 ne Bag 2:20 kyategeeza.

a) Enkolagana ne Yesu ky'ekintu kyokka ekyetaagisa mu ngeri nti ebintu ebirala byonna bisinziira ku nkolagana bwebeera.

b) Ebirala byonna byesigamye ku Kristo muffe era Kristo muffe asinziira ku biseera byetumala naye.

Eky'okulabirako Ky'omuwandiisi:

Omwami eyali yakamala okuwasa yayagala nyo okusanyusa mukazi we gweyawasa. Yakola emirimu ebiri asobole okumugulira enyumba ennugi, engoye ennungi, n'ekintu kyonna ekirala kyayinza okwagala. Teyalina biseera bingi byakumala naye, naye yalowooza nti wajja kubaawo ebiseera bingi mumaaso kasita eby'ensimbi binatereera. Oluvanyuma lw'emyaka mitono, mukazi we yamulekawo. Teyamulekaawo kubanga yali ayagala sente nyingi, oba ebintu bingi. Yamuleka afune omusajja anamala ebiseera naye. Naffe, ebiseera ebisinga tubeera tukola nyo ebintu byetukolera Katonda netwerabira okumala ebiseera ne Katonda. Akabenje kali nti omutima gwa Katonda gukuba nga guyaayaana okubeera naffe akaseera. Okuyaayaana kwe okusinga obunene kwekubeera n'omukwano era n'enkolagana etekoma naye nga yeyongera bweyongezi naffe.

OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika -

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

b. Katonda asinga nyo okufa ku kyakola okuyita muffe, okusinga ffe kyetumukolera. Ye okusobola okubaako kyakola okuyita muffe tulina okuba mu nkolagana Naye.

3. Martin Luther, eyakuguka mu bya Katonda mu kyaasa ekye 16, yategeera obukulu bw'enkolagana ne Katonda. Martin Luther gyeyeyongera okuba n'ebintu ebingi byanakola mu lunaku, gyeyeyongera okusaba enyo ku makya. Yagamba, "Nina bingi eby'okukola nti nteekwa okumala esaawa ezisooka esatu buli lunaku nga ndi mukusaba."[4]

4. Emmere ey'omubiri yetaagisa olw'obulungi bw'omubiri. Emmere ey'omwoyo yetaagisa olw'obulungi obw'omwoyo.

   a. Olina okwefumbira emmere nebwoba owulira nga atayagala kufumba? Abantu abasinga bandigambye," si nsonga oba owulira ng'oyagala okufumba oba nedda, emmere eky'etaagisa."

   b. Oyinza okumala akaseera ne Katonda nebwoba nga towulira ng'ayagala okukamala naye?

      1) Eky'okuddamu kyaffe kirina okuba nga ekididdwamu waggulu.

      2) Lowooza ebigambo bya Yobu 23:12.

   c. Eri Omukristaayo, okunoonya Mukama kulina kuba nga kussa mukka. Nga okussa bwekuli mu bulamu nti kyekilaga nti waliwo omukka, kale okusaba kulina okuba nti kwekulaga obulamu obw'omwoyo eri okubeerawo kwa Katonda.

Eby'okuwandiika -

5. Mu Mak 3:14, Yesu yalonda abatume 12. Lowooza ensengeka y'omukisa Yesu gyeyasaawo olw'ekigendererwa ky'okubalonda:

   a. Ekisooka: **Okubeera naye**.

   b. Eky'okubiri: Kubuulira.

   c. Eky'okusatu: Kugoba mizimu.

6. Tuyinza okwewunya bwetutegeera nti abayigirizwa ba Yesu tebagamba Mukama waabwe kubalagirira kubuulira, oba emitendera etaano engeri ekkanisa gyekulamu. Bamusaba kubayigiriza kusaba!

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Yogera ku mutawaana abaweereza abamu gwebasanga mu kubeera nga benyigidde nyo mu kuweereza Katonda nga tebasobola kumala kaseera na Katonda. Kino kituufu kuggwe? Weeteseteese okukyuusa?

G. Okugonda.

1. Enkolagana etandika na kugonda oba kwewaayo omutango oba eky'okusasula kiri waggulu.

   a. Katonda tayagala nyo kubeera nga atwala ekitundu naffe netutwalako ekitundu.

   b. Ayagala kuba nti ye nanyini w'obulamu bwaffe.

2. okwewaayo okw'engeri eno kuvaamu kubulwana kufa eri obulamu bwaffe.

   a. Okubulwa oba okufa eri obulamu bwaffe kusinziira nyo ku kumanya Katonda.

   b. Ddamu oyitemu mu somo "ly'okufanana Katonda.”

OKUMANYA KATONDA II

Eby'okuwandiika -

3. Okumanya Yesu kwekumanya omusalaba, kwekukomererewa ne Kristo.

   a. Leonard Ravenhill ayongera ebigambo bino:

      "Omuntu afudde eri obulamu bwe talina kyaluubirira era talina kyakwatibwa buggya. Talina kyalwanirira. Talina kyayita kikye, n'olwekyo talina kyeyelaliikirira oba kimwelaliikiriza. Talina buyinza bwe kukola kintu, kale n'olwekyo, tasobola kukwatibwa mu musango. Mufu awedde, kale tewali asobola kumutta."[5]

   b. Okuwumbawumba: Omuntu afiisiza obulamu bwe tasobola kwesitala kubanga tewali kyali okwewolereza. Tosobola kutta muntu yaffudde dda.

4. Enkolagana kwekubaako wooli. Ekifo ekituufu eky'omukkiriza mu nkolagana ye ne Katonda ky'ekifo eky'okwewaayo n'okugonda.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Ng'omukulembeze, olwanagana n'okuwulira nga obuweereza bwoddukanya bubwo oba bwananyini?

H. Okumaliriza.

1. Buli kaseera kaba **kaseera ka kusalawo kwesigama ku Katonda** kubanga tuba tumwetaaga buli kaseera. Bwekityo, ekiruubirirwa kyaffe kiteekwa kubeera kumala buli kadde mu nkolagana Naye.

2. Tulina okufuula ebigambo bya Kos 6:3 enjogera yaffe ey'ekigendererwa : “Kale katumanye, katuluubirire okumanya Katonda.”

OKUMANYA KATONDA II

3. Soomooza buli muyizi ku nkomerero y'essomo lino okukola ebintu bino ebina:

Eby'okuwandiika -

a. Salawo **kati** okutandika **enkya** okumala akaseera akategeke ne Mukama. Kyokola kibe nga kyekyo kyotegeeza.

   1) Kiki kyonokola? Ddi?

   2) Ddamu oyitemu ebisookerwako ebina eby'okola mu kumanya Katonda n'empisa mu kumanya Katonda.

   3) Saba ng'osaba Katonda okukusobozesa okuba akwaata empisa mu kumanya Katonda.

b. Salawo okugezaako okubeera nga enkya buli kaseera konna oli mu kussa kimu ne Katonda . Saba Omwoyo Omutukuvu okukujukiza okubeerawo kwa Mukama era akukubirize okumumanya mu makubo go gonna.

c. Lowooza ku byekiika mu kkubo mu bulamu bwo ebiyinza okulemesa enkolagana yo ne Katonda.

   1) Ebyekiika eby'omubiri.

   2) Ebyekiika eby'ebirowoozo.

   3) Ebyekiika eby'engeri gyowulira.

   4) Ebyekiika eby'omwoyo.

      a) Teekawo engeri gyonozikiriza ebyekiika bino.

      b) Saba Omwoyo Omutukuvu okuwa amaanyi okukola kino n'okukubikulira ebirala ebyekiika mu kkubo.

d. Saba okudda obugya kubeewo mu bulamu bwo.

   1) Saba Katonda okusitula omutima gwo okugguzza gyali.

   2) Musabe akuwe enjala n'enyonta okumunoonya.

   3) Jukira, Katonda y'ensibuko y'ebintu ebirungi byonna. N'okuyaayaana kwo okumunoonya kuva gyali. Musabe akwongere!

Eby'okuwandiika -

Okumanya Katonda 2: Awokujuliza

[1]Plato,Michael P. Green, ed. Illustrastions for Biblical Preaching (Eby'okulabirako Eby'embuulira ya Baibuli) (Grand Rapids, MI: Baker Book House, 1989) olup. 169.

[2]Aristotle,Michael P. Green, ed. Illusstrations for Biblical Preaching (Eby'okulabirako Eby'embuulira ya Baibuli) (Grand Rapids, MI: Baker Book House, 1989) olup. 169.

[3]Brother Lawrence, The Practice of The Presence of God (Okwemanyiiza okubeera mu kubeerawo kwa Mukama) (Uhrichsville, Ohio: Barbour and Co., 1993), olup. 54.

[4]Martin Luther, Michael P. Green, ed. Illustrations for Biblical Preaching (Eby'okulabirako Eby'embuulira ya Baibuli) (Grand Rapids, MI: Baker Book House, 1989) olup. 277.

[5]Leonard Ravenhill, as quoted at Dick Eastman's Prayer Seminar"Semina y'okusaba," mu 1986.